


Aba takisi mu kibiina kya UTOF ekikulirwa Musa Ssekindi (ku kkono) baaguze emijoozi.

# Emisinde gya Kabaka

## Bakyekoze ku mijoozi

NG'OBUGANDA bwonna bulinze n'amaddu amazaalibwa ga Kabaka ag'emyaka 71 ku Mmande (April 13), abantu basoose kumulaga ssanyu nga beetaba mu misinde gye (Kabaka Run) ku Ssande (April 12).

Emisinde gino egy'omulundi ogw'e 13 gyabadde gisuubirwa okusimbulwa Ssaabasajja yennyini mu Lubiri e Mmengo nga giddukiddwa ku mulamwa: 'Abaami babeere abasaale mu kulwanyisa akawuka ka mukenenya'.

Abeetabye mu misinde gino baanekedde mu mijoozi emimyufu nga bakira bawera nti tebayinza kutiiririra Kabaka waabwe. Kkampuni ya Vision Group efulumya Bukedde, Airtel, IBM Bank, n'endala ze zimu ku zitadde ssente mu misinde gino egyetabyemu abantu b'ebitundu by'eggwanga ebyenjawulo.

Abaaguze emijoozi ye; Uganda Baati, Janan Schools, UTOF, East Africa Medical Vitals, Ekibiina ky'abasawo ab'obuwangwa n'ennono, Naalya SS e Bweyogerere ne Namugongo, MM Intergrated Steel mills Uganda Ltd, VIVA College School e Jinja n'abantu ssekinnoomu.





Aba Orthodox Schools okuli; Chwa II Memorial College Namungoona ne Hopeful Future SS e Kayunga nabo baaguze.





Aba MM Intergrated Steel Mills Uganda Ltd tebaalutumiddwa mwana.